**28th April 2019.**

# OBWEETAAVU BW'OKWAWULANGAMU EBITUKUVU N'EBYABULIJJO, EBIRONGOOFU N'EBITALI BIRONGOOFU.I

**Eby’Abaleevi 10.**

Amakya ga leero, oluvannyuma lw’okumala Sande bbiri nga tuvuddeko mu nsomesa zaffe ez’omukitabo ky’eby’Abaleevi, olw’okkuza ebiro bya Pasika(Easter), leero tukomawo mu kitabo mu ssuula 10, okweyongera we twaalekera okukka kw’omuliro gw’ekitiibwa kya Mukama nga bwe twaalaba mu ssuula 9.

Ng’okweefaanaanyiriza bwe gwaali mu II Sam 6, Uzza bwe yagolola omukono gwe n’akwata ku ssanduuko ya Katonda, Obusungu bwa Mukama ne bumubuubuukirako, Katonda n’amuttira awo okumpi n’essanduuko ya Katonda. N’era bwe gwaali mu II Eby’omumirembe 26, Kabaka Uzziya bwe yayagala ayotereze obubaane mu yeekaalu ya Mukama, ogwaali omulimu gwa ba kabona bokka, wadde baagezaako ommuziyiza, n’awalaza empaka, Mukama n’amugengewalizaawo, n’era bwe gwaali eri Ananiya ne mukyala we Safira mu Bikolwa by’Abatume 5, abagezaako okulimba Omwoyo Omutukuvu, nebakalirawo embagirawo, tuyigirizibwa nti kya muzizo nnyo okumanyiira ekitiibwa kya Mukama Katonda, era kitweetaaza okwawulangamu ebitukuvu n’ebyabulijjo, era ebirongoofu n’ebitali birongoofu, olwo nga bakabona ba Mukama tubeezebweewo mu buweereza n’obulamu bwe yatuyitira okutuukirizaamu okuyitibwa kwaffe.

Tujjukira nate okuwabulwa kwa Mukama mu byawandiikibwa Yakobo mu ssuula 3:1 nti “Ab’oluganda, abayigiriza tebasaanye kubeera bangi mu mmwe, kubanga mukimanyi nga ffe tulisalirwa omusango munene okusinga abalala.” Ekitugwaanidde okwekengera tufube okuba eby’okulabirako ebituufu eri abantu, olw’ekitiibwa kya Mukama ekitugwaanidde okukiikirira.

Tusome essuula yaffe, tulyooke tweetegereze kye tunaayigirizibwaamu nkiwa ng’Omwoyo wa Mukama w’anaakisa buli omu ku ffe okuyigirizibwa.

Nny1,2….Ekifaanani ky’obweetaavu bw’okumanya entiisa y’obwakatonda etugwaanidde.